UGANDA CONSORTIUM ON
CORPORATE ACCOUNTABILITY
U C C A

# AKATABO AKANNYONNYOLA AMAKUBO AG’ENJAWULO OKUGONJOOLA OKUTYOBOOLA EDDEMBE LY’OBUNTU

## N’OKUMALAWO OBUTAKKAANYA BWONNA OBUVA MU POLOJEKITI ZA BA MUSIGA NSIMBI



UGANDA CONSORTIUM ON CORPORATE ACCOUNTABILITY
U C C A

# EBIRIMU


Ebifunziidwa ........ i

Ennyanjula ........ 1

1. Ebitongole By'etwogerako Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna Bye Biruwa? ........ 2
2. Ebimu Ku Bitongole By'ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna ........ 2
3. Ebyokulabirako Bya Polojekiti Eziteereddwamu Ensimbi Ebitongole By'ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna ........ 3
4. Okutyoboola Eddembe Ly'obuntu Okutera Okulabwa Mu Polojekiti Eziteereddwamu Ensimbi Ebitongole By'ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna ........ 5
5. Amakubo Ag'enjawulo Agasobola Okuyitibwamu Okugonjoola Okumalawo Obutakkaanya Bwonna? ........ 5
6. Enkola Zino Ezirondoola Polojekiti Zikola Zitya? ........ 8
7. Gye Bisobola Okuwunzikira ........ 9
8. Nteekayo Ntya Okwemulugunya? ........ 10
9. Ani Asobola Okuteekayo Okwemulugunya? ........ 10
10. Amawulire Agetaagisa? ........ 10
11. Omugaso Gwa Enkola Zino Ezirondoola Polojekiti Z'ebitongole By'ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna? ........ 10
12. Entereeza Mu Polojekiti Z'ebitongole By'ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna Okuziyiza Okukosa Abantu Oba Okuliyirira Okukosebwa Kwonna? ........ 11
13. Entereeza Z'okuziyiza Okukosa Abantu Zitera Okukoona Ku Bino: ........ 11
14. Kisoboka Okunoonya Obwenkanya Okusukka Ku Makubo Agatereddwawo? ........ 11
15. Ebikulu Bye Tuteekwa Okujjukira ........ 12
16. Okufundikira ........ 12

UGANDA CONSORTIUM ON CORPORATE ACCOUNTABILITY
UCCA

# EBIFUNZIIDWA

| | |
|---|---|
| ADB | Asian Development Bank |
| AfDB | African Development Bank |
| IAMs | Independent Accountability Mechanisms |
| IFIs | International Financial Institutions |
| IMF | International Monetary Fund |
| IP | Inspection Panel |
| IRM | Independent Recourse Mechanism |
| WB | World Bank |
| HR | Human Rights |
| DFI | Development Financial Institutions |

UGANDA CONSORTIUM ON CORPORATE ACCOUNTABILITY
U C C A

# Ennyanjula

Bwe wefumiitiriza ku kuzimba eby'enfuna n'okusitula embeera z'abantu eza bulijjo, okusiga ensimbi tosobola kukwawukanya na bitundu abantu gye babeera. Wadde okusiga ensimbi kusobolera ddala okusitula ebitundu ebyenjawulo abantu gye bawangaalira ate oluusi emirundi mingi kujjirako n'akabaate k'okutyoboola eddembe ly'obuntu. Kino ate ne kiteeka abantu abagendereddwa okuyambibwa mu migozoobano gy'okunoonya obwenkanya mu makooti, awali emisosso gya kkooti emingi nga ebisale ebingi ebyetaagisa. Ensangi zino waliwo engeri eziwerako eziyinza okuyitibwamu okunoonya obwenkanya. Amakubo gano agateekebwamu ensimbi ebitongole eby'ensimbi ebiri ku mutendera gwa ensi yonna, galeetawo essuubi ery'enjawulo mu kugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya.

Akatabo kano kannyonyola amakubo ag'enjawulo ago mu kugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya bwonna obuva mu polojekiti za ba musiga nsimbi. Ssi nsonga oba okutyoboola eddembe ly'obuntu oba obutakkaanya buvudde polojekiti za ba musiga nsimbi kukosa bya butonde; kukosa bya nfuna oba mbeera za bantu, akatabo kano kayamba bannansi aba bulijjo okusobola okwerwanako, ate mu bwerufu; okusobola okwekakasa nti ensonga zaabwe zonna ziwulirwa era ne zikolwako. Akatabo kano kannyonnyola bulungi amakubo abantu abakoseddwa polojekiti za ba musiga nsimbi, abakulembeze mu bitundu n'ebitongole bi nnakyewa ge bayinza okukwata mu kunoonya okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya

## 1. Ebitongole by'etwogerako Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna bye biruwa?

Ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gwa ensi yonna byemalira ku kuteekawo obuyambi obw'ensimbi, n'okuwa amagezi ag'ekikugu eri polojekiti z'ebyenkulaakulana mu nsi yonna[1]

Ebitongole by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gwa ensi yonna; gayinza okubeera amakampuni oba ebitongole ebirala ebiwa zi gavumenti oba amakampuni ga abasubuuzi ensimbi okukola emirimo egigasa abantu ba bulijjo. Emirimo egigwa mu kiti kino gitera kubeera gya zi gavumenti oba ebitongole bi nnakyewa ebigabi by'obuyambi. Ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna ne ebitongole by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gw'ensi yonna, byonna bikola kinene mu kuteekawo ensimbi n'ebikozesebwa mu nkulaakulana egenderera okuzimba eby'enfuna n'okusitula embeera z'abantu eza bulijjo.

## 2. Ebimu ku bitongole by'Ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna

Waliwo Bbanka z'ensi yonna bbiri. Emu emanyiddwa nnyo nga World Bank (WB), ate endala eyitibwa International Monetary Fund (IMF). Waliyo ne Asian Development Bank (ADB), African Development Bank (AfDB), etc. Ka tubinnyonnyoleko katono:

### World Bank

Kino kitongole kya nsimbi ekiri ku mutendera gw'ensi yonna; nga ensi 189 zikirinamu emigabo. Omulamwa gwakyo kwe kukendeeza olumbulege lw'obwavu nga kiwola zi gavumenti ensimbi okusitula eby'enfuna n'embeera z'abantu[2]. Ensimbi za World Bank ziyambako amawanga okubunyisa amazzi amayonjo, okuzimba amasomero, okusitula omutindo gwa eby'obulimi n'ebirala.

1 World Bank, "What Are International Financial Institutions (IFIs)?" Retrieved from: https://www.world-bank.org/en/about/what-we-do/brief/what-are-international-financial-institutions

2 https://www.worldbank.org/en/news/feature/2012/07/26/getting_to_know_theworldbank

### ii International Monetary Fund (IMF)

Kino nakyo kitongole kya nsimbi ekiri ku mutendera gw;ensi yonna ; nga ensi 190 zirinamu emigabo. Omulamwa gwakyo kwe kutuuka ku nkulaakulana eya namaddala nga kiwola zi gavumenti ensimbi eziziyamba obutagwa mu byensimbi.[3]

### iii Asian Development Bank

Asian Development Bank nakyo kitongole kya nsimbi ekiri ku mutendera gwa ensi yonna, nga kigenderera okukendeeza olumbulege lw'obwavu n'okusitula embeera z'abantu nga kiyita mu kuwagira enkola za eby'enfuna; okuwagira polojekiti ezitayonoona butonde; n'okutumbula amawanga okukolagana.[4] Asian Development Bank essira esinga kuliteeka mu mawanga agali mu Asia ne liyanja kirimulaala (Pacific Ocean). Ku ssemazinga wa Africa, emirimo gya Asian Development Bank gitera kubeera mu mikago ne zi gavumenti oba ebitongole by'ensimbi ebirala.

### iv African Development Bank

African Development Bank nakyo kitongole kya nsimbi ekiri ku mutendera gw'ensi yonna , nga kigenderera okukendeeza olunnabe lw'obwavu n'okusitula embeera z'abantu mu mawanga ga Africa gammemba.[5]

## 3. Ebyokulabirako Bya Polojekiti Eziteereddwamu Ensimbi Ebitongole by'Ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gwa Ensi Yonna

Ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna ne ebitongole by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gw'ensi yonna, byonna bikola kinene mu kuteekawo ensimbi n'ebikozesebwa Uganda byeremereddwa okufuna ate nga byetaagisa mu nkulaakulana egenderera okuzimba eby'enfuna n'okusitula embeera z'abantu eza bulijjo. Ebitongole bino biwola gavumenti ya Uganda

3 https://www.imf.org/en/About
4 https://www.adb.org/who-we-are/about
5 https://www.afdb.org/en/about-us/frequently-asked-questions

ensimbi nnyingi.[6] We twaatuukira mu November 2023, zino ze zimu ku polojekiti ezaali ziteekeddwamu ensimbi ebitongole by'ensimbi ne eby'enkulaakulana ebiri ku mutendera gwa ensi yonna. Bino bya kulabirako , naye tetuzimazeeyo:

**AfDB**

**Lakes Edward and Albert Integrated Fisheries and Water Resources Management Project (LEAF II).**
Eno polojekiti eruubirira okuyamba okuteekawo enkulaakulana eya namaddala ate nga tekosa butonde mu bantu abawangaalira mu bitundu ebyo.

**Farm Income Enhancement and Forestry Conservation Programme (FIEFOC -2).**
Eno polojekiti eruubirira okuyamba okuteekawo enkulaakulana eya namaddala kitumbula ennyingiza z'abalimi, abantu abawangaalira mu byalo, okubeerawa kwa emmere emala, n'obutayonoona butonde bwa mbeera za budde

**Markets and Agricultural Trade Improvement Programme (MATIP - 2)**
Eno polojekiti eruubirira okuyamba okukendeeza olumbulege lw'obwavu okuteekawo enkulaakulana eya namaddala

6 Development initiatives, July 2021. Analysis of aid flows to Uganda before and during Covid-19. Available at: https://www.devinit.org/f398eb

**Electricity Access Scale-up Project (EASP).** Eno polojekiti ebunyisa masannyalaze.

**Kampala Institutional and Infrastructure Development Project (KIIDP-2) (P133590).** Eno polojekiti ya World Bank nga ekola myala gy'amazzi okukendeeza ku kabenje akava mu mataba

World Bank

## 4. Okutyoboola Eddembe Ly'obuntu Okutera Okulabwa Mu Polojekiti Eziteereddwamu Ensimbi Ebitongole By'ensimbi Ebiri Ku Mutendera Gw'Ensi Yonna

Common violations in IFI–funded projects include;

- Obutaliyirirwa
- Okwonoona obutonde (empewo, amazzi, ettaka)
- Obutateesaganya mu bulambulukufu ne bonna be kikwatako
- Obutalowooza kimala ku bannansi bannansangwa n'abantu abalala abataliiko mwasiriizi
- Okusengulwa okutali kweyagalire, n'ebirala.

## 5. Amakubo Ag'enjawulo Agasobola Okuyitibwamu Okugonjoola Okumalawo Obutakkaanya Bwonna?

Ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna n'ebitongole by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gw'ensi yonna, byateekawo amakubo ag'enjawulo agaliwo agasobola okuyitibwamu okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya bwonna. Bino bya kulabirako , era tetugamazeeyo:

i. **World Bank Group.** Kino ekitongole kyaatekawo akakiiko k'abalambuzi akeetengeredde, abantu bonna abawulira nti bayinza okubeera nga bakoseddwa polojekiti World Bank mwetadde ensimbi gye bayinza okwekubira enduulu. Oyinza okumanya ebisingawo ku nsonga eno nga okyalira ekibanja kino ku mutimbagano : https://www.inspectionpanel.org/

ii. **The Compliance Advisor Ombudsman (CAO).** Eno nkola eyetengeredde ya bitongole ebiyitibwa International Finance Corporation (IFC) ne Multilateral Investment Guarantee Agency (MIGA) Byaateekebwa okuwuliriza okwemulugunya kwonna okuva mu IFC/MIGA Projects okwongera okusitula embeera z'abantu n'obutayonoona butonde polojekiti ebitongole ebyo bye zirinamu omukono.

iii. **African Development Bank (AfDB).** Kino ekitongole kirina enkola gye bayita Independent Recourse Mechanism (IRM) ekirondoola okulaba nga polojekiti zikola bye zaateekateeka n'okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu, n'okumalawo obutakkaanya.[7] Oyinza okumanya ebisingawo ku nsonga eno nga okyalira ekibanja kino ku mutimbagano: https://irm.afdb.org/

iv. **International Monetary Fund (IMF).** Kino ekitongole tekirina nkola yonna ya njawulo okurondoola polojekiti zaakyo n'okumalawo obutakkaanya nga AfDB IRM.

v. **Asian Development Bank.** Accountability Mechanism. Kino ekitongole kirina enkola abantu bonna abawulira nti bayinza okubeera nga bakoseddwa polojekiti mwe kitadde ensimbi gye bayinza okwekubira enduulu.[8]

vi. **The Green Climate Fund Independent Recourse Mechanism.** Eno enkola ekwataganye ne Paris Agreement, omukago oguli ku mutendera gw'ensi yonna ogusinga obunene mu girwanirira obutonde bw'ensi, naddala nga guyamba amawanga agakyakula okukendeeza omukka omubi. Enkola ya **Green Climate Fund Independent Recourse Mechanism** erondoola okulaba nga polojekiti za Green Climate Fund zikola bye zaateekateeka n'okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu, n'okumalirawo obutakkaanya mu bwerufu, mu bwenkanya ate mu bwangu.

7 Independent Recourse Mechanism, 2022 Accountability Report

8 ADB's Accountability Mechanism https://www.adb.org/who-we-are/accountability-mechanism/main#:~:text=ADB's%20Accountability%20Mechanism,ADB's%20operational%20policies%20and%20procedures.

vii. **Independent Complaints Mechanism (IKI ICM).** Eno enkola ya gavumenti ya Germany erondoola polojekiti ezirwanirira obutonde mu nsi yonna. Enkola eno yatandikibwa mu 2022 era eruubirira okuwagira n'okutumbula obuyambi bwa polojekiti ezitaasa obutonde mu mawanga agakyaakula, naddala nga gatunuulira ebigendererwa bya Paris Agreement. Independent Complaints Mechanism (IKI ICM) yateekebwawo okuyamba abantu bonna abakoseddwa mu mbeera zaabwe eza bulijjo; oba mu butonde bw'ensi; oba ensimbi ezikozesedwa obubi. Bayinza okwekubira enduulu mu Independent Complaints Mechanism (IKI ICM).

viii. **The Independent Accountability Mechanism.** Kino kitongole wansi wa US International Development Finance Corporation (DFC). Kyaatekebwawo okuwuliriza okwemulugunya oba ensonga yonna okuva abantu bonna abawulira nti bayinza okubeera nga bakoseddwa polojekiti US International Development Finance Corporation (DFC) mwetadde ensimbi. **Independent Accountability Mechanism** eyaniriza n'okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu eri bannaansi, abakozi, ne ba musigansimbi, n'okumalirawo obutakkaanya mu bwerufu, mu bwenkanya.

ix. **Examiner for Environmental Guidelines (EEG).** Kino kyateekebwawo okulondoola polojekiti za Japan Bank for International Cooperation (JBIC), EEG kitongole ekyetengeredde mu Japan Bank for International Cooperation. Kirondoola eby'ensimbi byonna n'obutonde bw'ensi.

x. **Netherlands Development Finance Company.** Kino kitongole kya bbanka ya bya nkulaakulana eya Netherlands. Kitunuulira nnyo eby'enkulaakulana mu makampuni agatali ga gavumenti.. kirina enkola gye bayita **Independent Complaints Mechanism (ICM)** ekkiriza okuwuliriza okwemulugunya n'ensonga zonna okuva mu bantu bonna abakwatibwako polojekiti mwe batadde ensimbi.

xi. **Project Complaint Mechanism (PCM).** *European Bank for Reconstruction and Development* (EBRD) yagunjawo enkola eno okwongera okutumbula obwerufu mu mirimo gya bbanka eyo. Enkola eno eya PCM etunuulira okwemulugunya n'ensonga zonna okuva mu polojekiti mwe batadde ensimbi oba mwe basuubira okuteeka ensimbi.

xii. **Independent Consultation and Investigation Mechanism.** Eno woofisi mu bbanka eyitibwa *Inter-American Development Bank* (IDB) Group. Yateekebwawo okuyamba abantu bonna abayinza okubeera nga

bakoseddwa mu mbeera zaabwe eza bulijjo, oba mu butonde bw'ensi zaabwe; mu polojekiti aba bbanka eyowaggulu mwe batadde ensimbi oba mwe basuubira okuteeka ensimbi. Bayinza okwekubira enduulu mu Independent Consultation and Investigation Mechanism. Woofisi eyaniriza n'okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu eri bannansi, abakozi, ne ba musigansimbi, n'okumalirawo obutakkaanya mu bwerufu, mu bwenkanya.

## 6. Enkola Zino Ezirondoola Polojekiti Zikola Zitya?

Enkola zino ezirondoola zikola mu ngeri za njawulo okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya. Wano tugenda kuyitayita mu kifanaanyi ekinene engeri enkola zino gye zikolamu.

### ▪ *Okuzuula Okwemulugunya*

Bannansi, abatuuze bannakyalo oba ebitongole ebikoseddwa bateekayo okwemulugunya mu butongole nga bannyonnyola ekibakosezza n'amateeka oba ebiragiro ebimenyeddwa.

### ▪ *Ani Ayinza Okuteekayo Okwemulugunya*

Enkola zino ezirondoola polojekiti zitera okubeera n'okulambika ku ani ayinza okuteekayo okwemulugunya. Okulambika kuno kutera okubeeramu bannansi/ abatuuze abakoseddwa polojekiti, ebitongole bi nnakyewa oba abalala polojekiti b'ekwatako obutereevu.

### ▪ *Engeri gye Bateekayo Okwemulugunya*

Enkola zino ezirondoola polojekiti zitera okubeera n'okulambika ku mikutu ki n'emitendera egiyitibwamu okuteekayo okwemulugunya, okugeza obubaka obuwandiike ku mutimbagano, omutimbagano, oba okwemulugunya mu buntu. Okwemulugunya kuyisibwa mu mitendera egiwerako okutuuka ku nkomerero. Emikutu gino wammanga gye gimu ku giyinza okuyitibwamu;

i) Okutuuka ku AfDB Independent Recourse Mechanism, endagiriro yiino: https://irm.afdb.org/en/page/file-complaint/complaint -form

ii) Okutuuka ku World Bank, endagiriro yiino: https://www.inspection panel.org/how-to-file-complaint

iii) Okutuuka ku Asian Development Bank, endagiriro yiino: https://www.inspection panel.org/how-to-file-complaint

- ***Biyisibwa mu Kakungunta***

Nga okwemulugunya kufuniddwa, abakulu abalina obuvunaanyizibwa okukukolako bakuyisa mu kakungunta okusalawo oba kugwa mu kiti ekisaanidde okwongerwa okutunuulwamu.

- ***Okunoonyereza***

Nga kisaliddwawo nti okwemulugunya kugwa mu kiti ky'ebyo ebisaanidde okwongerwa okutunuulwamu, okunoonyereza okwetengeredde kukolebwa okukakasa ekinyusi ekiri mu nsonga ezo.

- ***Okugonjoola Ensonga***

Nga okunoonyereza kuwedde, wakolebwawo alipoota. Abakulu abalina obuvunaanyizibwa okukola ku nsonga batera okukugonjoola nga bakkaanyisa be kikwatako.

- ***Okuwa Amagezi agagonjoola Ensonga***

Nga basinziira ku kye bazudde mu kunoonyereza ne byonna ebikoleddwa ku kugonjoola nga bakkaanyisa be kikwatako, abakulu abalina obuvunaanyizibwa okukola ku nsonga, bawa amagezi eri be kikwatako ge balowooza nti ge gajja okugonjoola ensonga.

Ku buli mutendera, kigwaanidde zi alipoota okukolebwa okumanyisa bonna be kikwatako ensonga we zituuse. Kino kizzaamu amaanyi eri bonna be kikwatako nti enkola egoberera obwerufu.

## 7. Gye Bisobola Okuwunzikira

Enkola zino ezirondoola polojekiti z'ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gwa ensi yonna, amagezi ge zitera okuwa okugonjoola ensonga gatera kukoma ku kuliyirira; okukyusa mu polojekiti, n'ebirala.

## 8. Nteekayo ntya okwemulugunya?

Okwemulugunya eri ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna kubeera mu buwandiike eri endagiriro emanyiddwa; era kujja kulambulula bulungi ensonga zonna ezikwata ku kwemulugunya okwo; wamu n'emitendera gyonna egiyitiddwamu okugezaako okugonjoola ensonga ne zigaana; wamu ne ebisuubirwa nti byandibadde bikolebwa ne bitakolebwa oba ebikoledwa obubi ku nsonga eyo.

## 9. Ani asobola okuteekayo Okwemulugunya?

Omuntu yenna, oba abantu bonna abalowooza nti bakoseddwa oba abayinza okukosebwa mu mbeera zaabwe eza bulijjo; okuva mu polojekiti z'ebitongole by'ensimbi ne ebitongole by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gw'ensi yonna, bayinza okwekubira enduulu, ne bwe kibeera nti polojekiti tennatandika.

## 10. Amawulire agetaagisa?

Okwemulugunya kwonna kwandibaddemu bino:

i) Erinnya n'endagiriro by'omuntu oba abantu abateekayo okwemulugunya.
ii) Okunnyonnyola okumpimpi ku polojekiti y'ebitongole by'ensimbi oba by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gwa ensi yonna ekwatibwako ensonga eyo.
iii) Okunnyonnyola engeri abantu abateekayo okwemulugunya gye bakoseddwa oba gye bayinza okukosebwa mu mbeera zaabwe eza bulijjo.
iv) Awaddeyo okwemulugunya bwabeera nga atumiddwa butumibwa, ateekwa okusibako ebbaluwa emukkiriza okuteekayo okwemulugunya.

## 11. Omugaso gwa Enkola zino ezirondoola polojekiti z'ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gwa ensi yonna?

The Independent Accountability Mechanisms help affected persons, and communities to address project-related grievances in a timely, fair, and independent manner.

## 12. Entereeza mu polojekiti z'ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna okuziyiza okukosa abantu oba okuliyirira okukosebwa kwonna?

Most IFIs have established safeguard policies to ensure the prevention of and mitigation of undue harm during the development process. These standards ensure sustainable development and greater attention to the rights of the people while enhancing positive impacts.

## 13. Entereeza z'okuziyiza okukosa abantu zitera okukoona ku bino:

Entereeza z'okuziyiza okukosa abantu oba okuliyirira okukosebwa kwonna zikiteeka ku mwewozi (atera kubeera gavumenti) okulabuukirira, okusengejja nokwetegekera ebibamba ebiyinza okuva mu polojekiti, kiyinza okubeera bya butonde; oba mbeera za bantu, eza bulijjo. Wadde engeri gye bisengekebwa eyawuka, naye bino bitera okubeeramu: (ate bitera okufanaagana)

- Embeera z'obutonde, naddala ebidda ku nkozesa y'ettaka; embeera y'ensi n'okulwanirira embeera z'obutonde
- Abatuuze bannansangwa
- Ensiko, ettale, ebibira, ennyanja, emigga, n'ebifo ebirala ebitonde ebyenjawulo gye biwangaalira
- Okusengulwa okutali kweyagalire
- Okuteesaganya n'okukkirizaganya nga polojekiti tezinnatandika
- Ensonga ez'enjawulo eziyinza okukosa abantu ab'emyaka oba ebikula ebitali bimu
- Okwenyigiramu kwa abantu bonna be kikwatako
- Obuzibuzibu bwonna obuyinza okuva mu mbeera za bantu, eza bulijjo

## 14. Kisoboka Okunoonya Obwenkanya Okusukka Ku Makubo Agatereddwawo?

Yee. Amakubo agatereddwawo ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya bwonna obuva mu polojekiti za ba musiga nsimbi tegaziba mu luwenda lwa kugenda mu kkooti eza bulijjo, naddala ku nsonga ezikwata ku butassaamu kitiibwa ntegeka ya polojekiti yonna nga bwe yakolebwa.

## 15. Ebikulu bye Tuteekwa Okujjukira

Bulijjo jjukira bino:

i) Okukuuma ebiwandiiko byonna naddala ku mpulizaganya eri wofiisi etereddwawo okugonjoola obutakkaanya bwonna, okugeza obubaka obuwandiiki, ebiteeso, amasimu.

ii) Okusengeka olukalala olulambika obutassaamu kitiibwa ntegeka ya polojekiti yonna nga bwe yakolebwa, ne ani avunaanyizibwa.

iii) Osibangako ebifaananyi byonna, maapu, oba obujulizi bwonna obukwata ku kwemulugunya okwo.

iv) Londoola engeri amagezi agweereddwa okugonjoola ensonga gye gateekebwa mu nkola

## 16. Okufundikira

Ebitongole by'ensimbi ebiri ku mutendera gw'ensi yonna wamu ne ebitongole by'enkulaakulana ebiri ku mutendera gw'ensi yonna birina amakubo ag'enjawulo ge biteekawo okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya bwonna obuva mu polojekiti ezisiga ensimbi. Ssi nsonga oba okutyoboola eddembe ly'obuntu oba obutakkaanya nga polojekiti egenda mu maaso. Akatabo kano kakoleddwa okweyambisibwa abantu abakoseddwa polojekiti za ba musiga nsimbi, abakulembeze mu bitundu n'ebitongole bi nnakyewa mu kunoonya okugonjoola okutyoboola eddembe ly'obuntu n'okumalawo obutakkaanya

UGANDA CONSORTIUM ON
CORPORATE ACCOUNTABILITY
U C C A


UCCA SECRETARIAT
Initiative for Social and Economic Rights (ISER)
Plot 60 Valley Drive, Ministers' Village, Ntinda
P. O. Box 73646, Kampala - Uganda
Telephone: +256 414 581 041
Website: www.ucca-uganda.org